Bya HUZAIMA KAWEESA

# Ab'e Banda basattira ku by'omusolo gw'amayumba

ABATUUZE b'e Banda B1 mu munisipaali y'e Nakawa basattira olw'omusolo gw'amayumba ogwabagerekerwa gwe bagamba nti tegukwatagana n'amayumba ge balina nga baagala baddemu babagerekere bupya.

Okutya kuno, abatuuze bakulagidde mu lukiiko olwayitiddwa abakulembeze b'ekitundu nga bakulembeddwamu Kansala Ismail Mukoiko ne Ssentebe w'ekitundu Joseph Oloya nga lwetabiddwamu n'akulira eby'omusolo mu Nakawa, Henry Bukenya.

Kansala Ismail Mukoiko yategeezezza nga bw'abadde mu kattu olw'abatuuze okumubanjanga okubabuulira ebyagobereddwa nga bagereka emisolo kubanga abantu abamu baabataddeko amayumba agatali gaabwe nga n'ezimu ku nnyumba ezisulwamu zateereddwako omusolo.

Agamba embeera y'akazito okuva mu batuuze e yamuwalirizza okuyita bekikwatako babannyonnyole n'okuzuulira ddala obuzibu we buva bugonjoolwe.

Mukoiko yategeezezza nti abatuuze be bulijjo tebamanyi nsonga lwaki kikulu okusasula omusolo nga mukakafu nti ku mulundi guno ke bategedde bagenda kutandika okuguwa.

Kyokka awanjagidde abawooza b'omusolo okubeera abeegendereza nga bakola omulimu gwabwe kubanga mu kitundu kyabwe abantu abamu bateekebwako ssente nga ennyumba si zaabwe.

HUZAIMA KAWEESA



Akulira eby'omusolo mu Nakawa, Henry Bukenya (ku ddyo) ng'ayogera mu lukiiko.

Abasabye bakomewo baddemu bagereke omusolo mu butuufu bwagwo okwewala okubeerako oludda lwonna olunyigirizibwa.

Susan Laker, omutuuze mu kitundu kino asanyukidde abawooza b'omusolo okuvaayo ne babannyonnyola kyokka n'abasaba okugenda mu maaso nga basomesa abantu bamanye obulungi bw'okuwa omusolo.

Ssentebe wa Banda B1, Joseph Oloya yategeezezza nga ezimu ku nnyumba mu kitundu kino bwe zaateekebwako omusolo mu mannya g'abantu abaazitunda edda nga kino kireka abaazigula mu bbanga nga tebamanyi waakusasula nga ate ebbanja nga likula.

Asabye abawooza okuddamu okwetegereza amayumba gonna mu kitundu kubanga kati agamu gaali gapangisibwa nga kati gasulwamu nga n'agaali gasulwamu gapangisibwa nga kino kitegeeza nti balina okukyusa engereka yaazo. Ategeezezza nti tebawakanya ntekateeka ya Gavumenti ey'okuwa omusolo wabula baagala byonna ebikolebwa buli omu abeere mumativu ku bungi bw'omusolo gw'asasula.

Akulira eby'emisolo mu Nakawa, Henry Bukenya yakkirizza nti wayinza okuba nga waliwo ebyalumira mu ngereka y'omusolo n'asaba abalina okwemulugunya ku nsimbi ezaabateekebwako okugenda gye bali n'obukakafu ensonga zaabwe zijja kugonjoolwa.

Yasomesezza abatuuze obulungi bw'okuwa omusolo n'abategeeza nti wadde ssente zino zibaggyibwako naye zisigala zaabwe kubanga ze zikozesebwa mu kukola ku nsonga zaabwe omuli okulima enguudo, okuyoola kasasiro, okusasula abakulembeze baabwe n'ebirala.

## Abantu kye bagamba



**Georfrey Wagaine: Ssente ezimu baazigereka nga tetuliiwo ate ne ziyitirira obungi. Nsaba KCCA eddemu egereke ssente endala mu butuufu bwazo nga tewali gwe banyigiriza.**



**Joseline Ankwasa: Tusaba baddemu bekenneenye engereka y'omusolo kubanga agamu ku mayumba agaali gapangisibwa kati abantu bagasulamu.**



**Faustina Okidi: Tusaba baddemu buto batugerekere emisolo kubanga ebyasooka tetubitegeera, biriko omusolo mungi ate n'ebiwandiiko eby'enjawulo ebituweebwa bitubuzaabuza.**